

ENYANJULA

EMBOOZI EY'OLUGERO N'OKUDDAMU OKWETEGEREZA MU BUFUNZE

Okunyonyola:

Okuggwaamu amaanyi – Okukumalamu amaanyi, essuubi, oba obuvumu; okumenyeka omutima.

Ekibuuzo

Mbeera ki ezinga okukumalamu amaanyi?

Okuggwaamu amaanyi kikwata kisooka mu kuzikiriza enteekateeka za Katonda eri obulamu bwaffe; nga tetunna funa Katonda asinga waggulu era asinga obulungi, bangi ku ffe tuwanika.

ENTEKATEEKA YA KATONDA EY'OKUTTA EKISOTA EKY'OKUGGWAAMU AMAANYI

E - Endowooza

Okwagala kwa Katonda mu buzibu – OKUGUMINKIRIZA N'ESSANYU

Baganda bange, mulowoozenga byonna okuba essanyu, bwe mukemebwanga mu ngeri ezitali zimu 3 nga mumanyi ng'okugezesebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. 4 Omulimu gw'okugumiikiriza bwe gutuukirira, ne mulyoka mufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga temulina kibabulako. (Yakobo 1:2-4)

E - Ekikozesebwa

Ekisuubizo kya Katonda mu lugendo lwaffe – AMAGEZI G'OBWA KATONDA

Naye obanga omuntu yenna ku mmwe aweebuka mu magezi, asabanga Katonda agabira bonna atakayuka, galimuweebwa. Kyokka amusabanga mu kukkiriza, nga tabuusabuusa, kubanga oyo abuusabuusa ali ng'ejjengo ery'oku nnyanja erisundibwa empewo. 7 Omuntu ng'oyo bw'atasaba na kukkiriza tasuubira Mukama

kumuwaayo kintu kyonna. Kubanga omuntu ow'emyoyo ebiri, buli gy'adda tanywererayo. (James 1:5-8)

E – Enjigiriza

Amagezi ga Katonda eri okugumiikiriza – ENDOWOOZA Y'OBWA KATONDA

Owooluganda atalina bintu bingi mu nsi muno asaana yeenyumirize, kubanga agulumizibbwa. N'omugagga tasaana anyiige ng'ebintu bye bimukendezebbwaako, kubanga naye aliggwaawo ng'ekimuli eky'omuddo bwe kiggweerera. Kubanga enjuba bw'evaayo n'eyaka n'ebbugumu lyayo eringi, omuddo gukala n'ekimuli kyagwo ne kiwotoka ne kigwa, n'obulungi bw'endabika yaakyo ne buggwaawo; n'omugagga bw'atyo bw'aliggwaawo, ng'ali mu mirimu gye. Alina omukisa omuntu agumira okukemebwa, kubanga bw'alimala okusiimibwa aliweebwa engule ey'obulamu Katonda gye yasubiza abo abamwagala. (Yakobo 1:9-12)

OKUSIGALA NGA TUYIMIRIDDE MU BISEERA EBIZIBU KITWETAAGISA:

1. Fokufuna endowooza oba endaba ya Katonda eri embeera yaffe. (Yakobo 1:9-11)
 - Tutya? Nga tutunuulira embeera yaffe n'amaaso AG'OKUKKIRIZA.
2. Okufuna endowooza oba endaba ya Katonda eri ebiseera byaffe eby'omumaaso. (Yakobo 1:12a)
 - Tutya? Nga tutunuulira ebiseera byaffe eby'omumaaso mu birawuli by'ESSUUBI.
3. Okufuna endowooza oba endaba ya Katonda eri engeri gye twekubirizaamu. (Yakobo 1:12a)
 - Tutya? Nga tutunulira ebituvuga/ebitukubiriza, nga tukozesa ebirawuli by'OKWAGALA.

MU BUFUNZE/OKUDDAMU OKWETEGEREZA

OSOBOLA OKUTTA EKISOTA KY'OKUGGWAAMU AMAANYI!

1. Ddamu wekkenneenye embeera zo.
 - Webuuze: okukkiriza kwange kuli mu bintu ebiggwaawo oba mu bintu eby'OLUBEERERA?
2. Ddamu wekkenneenye endaba yo.
 - Webuuze: essuubi lyange lisinziira ku bunene bw'ebizibu byange oba obukakafu bw'EBISUUBIZO bya Katonda?
3. Ddamu wekkenneenye ekikuvuga/ekikukubiriza.
 - Webuuze: OKWAGALA KRISTO ky'ekisinga okukubiriza omutima gwange oba kufuna bufunyi buweerero ne nneesanyusa?

EBIBUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Wandika mu ngeri ennyangu era etegeerekeka mu lunyiiri lumu ekyo ekisinga okukumalamu amaanyi mu kiseera kino (oba ekiyinda) mu kiseera kino.
2. Baako ne gwogabana naye eky'okuddamu kyo ku kibuzo nnamba emu bw'oba tokirinaamu buzibu era nga olaba kisaanidde okukolebwa.
3. Teesa ku maanyi g'endowooza/endaba yebintu nga bwe bikwatagana n'embeera yo. Yita mu nsonga essatu eziragiddwa mu Yakobo 1:9-12 era oyogere ku ngeri gye zitangaaza ku kusoomoozebwa kwo kw'oyolekaganye nakwo.
4. Sabira omuntu gw'omanyi ayita mu mbeera nga awulira "ensi ye etabusetabuse".